**01st December 2019.**

# TULI BAANA BA MUSANA ERA ABAANA B'OBUTANGAAVU.

**I Abasessaloniika 5:1-5.**

Leero tweebaza Mukama olw'obukuumi bwe n'obugabirizi bwe mu ttutuusa ku ntandikwa y'omwezi ogukomekkereza omwaka guno 2019. Mukama nkiwa eri fenna abadde wa kisa nnyo era w'amaanyi nnyo ku lwaffe, era tetusobola na kumalayo kusiima kwaffe gyaali.

Neebaza nnyo Musumba Charles n'abaweereza abatubedde mu kulyoowa kw'emyooyo gyaffe weesibaddeewo, nga bwe gwaali nti ye yali yatandika era n'asangibwa nga ye yakomekerezza ensomesa z'omukitabo ky'Abakkolosaayi.

Nga tumalako omwaka guno tweebaza nnyo Mukama olw'okusomesebwa kw'ekigambo kye kwe tubadde nakwo mu ggwo, bwe twatandikira mu kitabo Ky'eby'Abaleevi, ne tudda mu bbaluwa ya Paulo Omutume eri Abakkolosaayi, nga ku lw'okusatu twaali mu kitabo kya Yoswa, ne tudda mu bbaluwa eyali eri Abakkolinso (anti kati eri gyetuli ab'oku Calvary) mwe tuyigira okkula mu Yesu Kristo. Nkiwa nti mu byonna tubadde twolesebwa Yesu Kristo eyakomererwa so ssi magezi ga bantu wadde ag'ensi eno eri obulokozi. Era nti ebyawandiikibwa bibadde gyetuli amagezi, olw'okulokolebwa olw'okukkiriza Kristo Yesu. Kuba Katonda ye yabiruŋŋamya ottugasa mu kuyigiriza, mu kunenya, mu kuluŋŋamya ne mu kubuuliriranga, tube abatuukiridde, nga tulina byonna ebyetaagibwa okukola buli mulimu gwe omulungi.

Gye buvudde nalumirizibwa tusomesebwe ku mulamwa omukulu 'Gw'okubaawo mu ssuubi ly'obulamu obutaggwaawo'(Living in light of Eternity), nga tukomekkereza omwaka guno, era nga mu kweetegereza ebyawandiikibwa mu ssuula ey'okutaano ey'ebbaluwa ya Paulo eri Abasessaloniika esooka tunaaba n'okwejjukanya awamu n'okkubirizibwa eri okwagala kwa Mukama gyetuli mu kkomekkereza omwaka guno tuyingizibwe mu gujja mu maanyi ge, kubanga mu yye mwokka mwe muli essuubi ly'obulamu bwaffe obutuukiridde mu byonna mu linnya lya Yesu Kristo.

Tusome ekitundu kya leero……..

**Nny 1-3** Ekimu ku bisinga ottuba mu ndowooza ng'omwaka guggwaako, kwe kuba nti guweddeko mangu, mu ngeri nti kyewuunyisa okuba nti jjo jjuuzi twaali mu Januari laba leero tuli mu Desemba!

Olundi ne tweerabira ebingi ennyo bye tuyiseemu, ebirungi n'ebizibu/ebibi, ne tweerabira n'obukulu bw'okuba nti abadde Mukama atutuusizza mu biro bino nga tukyaali balamu, era nga tulina bye tulina oba tuli bye tuli……..

Ekirala kwe kutunuulira bye twaali tweetaaga okutuukako, okufuna, okuba, nga tebinnatuukirira ne tunakuwala oluundi ne tuggwaamu essuubi………

Kye tulina okusosowaza mu biro bino kwe kweebaza Mukama Katonda waffe nga Danyeri bwe yakola mu Danyeri 2:20-23, "Erinnya lya Katonda litenderezebwenga emirembe n'emirembe, kubanga amagezi n'obuyinza bibye. Ategeera ebiseera n'ebiro; assaawo bakabaka era aggyawo bakabaka; awa amagezi abagezigezi, era n'okumanyisa abo abategeevu. Abikkula ebyama ebyakisibwa edda; amanyi ebifa mu nzikiza, n'ekitangaala kibeera naye. Nkwebaza era nkutendereza,.....

N'endowooza endala etera okuba mu bantu kwe kuba nti ne guno ngumazeeko ka nneeyagale mbinuke nsanyuke nkyakyanke. Ne tweelabira nti buli mwaka oguggwaako kuba kusemberera lunaku lwa Mukama olw'okusala kw'omusango, olutamanyiddwa kyokka lwe tulina okweeteekerateekera nga Yesu Kristo bwe yagamba mu Matayo 24:42-44, "N'olwekyo mubeere beetegefu, kubanga olunaku Mukama wammwe lw'aliddirako temulumanyi. Nga ssemaka bw'akuuma amaka ge nga yeekuuma omubbi, n'asigala ng'atunula, n'ataganya mubbi kumuyingirira, nammwe bwe mutyo mweteeketeeke, kubanga Omwana w'omuntu alijjira mu ssaawa gye mutamulowoolezaamu."

Ne Lukka 21:34-36, "Mwekuume muleme okwemalira mu binyumu n'okutamiira, n'okweraliikirira eby'obulamu, okujja kwange okw'amangu kuleme kubakwasa nga temugenderedde ng'abagudde mu mutego. Kubanga olunaku olwo lulituuka ku buli muntu mu nsi yonna. Mutunule nga musaba Katonda buli kiseera, abawe amaanyi okubasobozesa okuwona ebintu ebyo byonna, Omwana w'Omuntu bw'alijja mulyoke musobole okuyimirira mu maaso ge."

Weetegereze; Twekuume tuleme okwemalira mu binyumu n'okutamiira…….., Ekirala twekuume tuleme n'okweraliikirira eby'obulamu buno…..

N'eky'okusatu nti tutunule nga tusaba Katonda buli kiseera, atuwe amaanyi…..

Ebyo bikwasaganyizibwa bulungi ne bye twaalaba mu Bakolosaayi 3:1-4…….
Okwo kwe kubaawo mu ssuubi ly'obulamu obutaggwaawo, obw'ensa ennyo okusinga bino mwe tuyita obuyisi ebirabwaako ebitali bya lubeerera.

N'olw'ekyo (nny. 4 ne 5) ab'oluganda abaagalwa tetuli mu kizikiza ku nsonga zino, era tetugenda kwekanga lunaku olwo ng'abayingiriddwa omubbi; Kubanga ffe fenna tuli baana ba musana era abaana ba butangaavu. Tetuli ba kiro yadde ab'ekizikiza.
Mukumanya mwe tulina okujja okutegeera, nti Mukama waffe Yesu Kristo yatusuubiza ottukima, n'olw'ekyo tumulindirire.
II Abakk. 4:6 , Kubanga Katonda oyo ye yagamba nti, "Omusana gwake mu kizikiza," ye yayaka mu mitima gyaffe, okuleetera abantu ekitangaala eky'okumanya ekitiibwa kya Katonda ekirabikira mu Yesu Kristo.
I Pet. 2:9, Naye mwe muli kika kironde, bakabona bw'obwakabaka, eggwanga ettukuvu, abantu ba Katonda bennyini. Mwalondebwa mulyoke mutende ebirungi bya Katonda eyabaggya mu kizikiza n'abayingiza mu butangaavu bwe obutenkanika.
N'olw'ebyo, n'ebirala byonna nga bbyo, kitugwaanidde okuba kye tuli…. Abaana b'omusana era abaana b'obutangaavu….. tube n'empulira y'okubeera kye tuli (sense of belonging).
Tubeere kye tuli – tuleme kuba kye tutali….